**22nd October 2017.**

# OKUMATIZIBWA KWAFFE KULI MU KRISTO YESU.

**Okuva 17:1-7.**

Nga tumaze okulaba obw'esigwa bwa Mukama ng'agabirira e maanu mu ddungu ate ne tulaba e maanu nga ekiikirira Yesu Kristo Omugaati gw'obulamu era n'ekigambo kye; leero tugenda kulaba obw'esigwa bwa Mukama ng'agabirira amazzi okuva mu lwazi.

Vs1. Entambula y'abaana ba Isirayiri yaluŋŋamizibwanga Mukama era okubeerawo kwe kwalabikiranga mu mpagi ey'ekire e misana n'empagi ey'omuliro ekiro.

Baagoberera kiragiro kya Mukama era Mukama yali amanyidde ddala nti webaakuba weema tewaali mazzi.

Mukama yabayisa mu bifo ebirina e bbula ng'asinziira ku kuba nti Yye bwe bugabirizi era bwe baba naye balina byonna bye beetaaga.

Vs 2-3. Abantu baayombesa Musa kubanga gwe balaba naye okuyombesa Musa kwaali kuyombesa Katonda wa Musa.

Bwe baalaba ekifo nga temuli mazzi tebajjukira byamagereo bya migaati, okweyawula kw'ennyanja emyuufu n'okuwoomya amazzi agakaawa Mukama bye yali yaakakola e mabegako.

Kikula kyaffe ng'abantu nti tusiima luwede ne twelabira nti Katonda eyakoze jjo ne leero, n'enkya y'omu.

Tulina n'enjogera egamba nti 'ky'otannalya tokyeesunga', era nti 'gwewaalabyeko ye mwana', wamu n'endala nnyingi ezitulemesa naffe okwesiga Katonda ku by'enkya.

Naye ffe abakkiriza tukkiriza ebitaliiwo nga ebiriwo era tulina omukisa kubanga tukkiriza nga tetulabye.

Obutakkiriza bwaffe emirundi mingi butandikira mu birowoozo. Nga bwe tulabye Abayisirayiri bano baasooka kulaba kifo ekitaalimu mazzi nebeemulugunya era okulowooza ku bbula ly'amazzi kwabaleetera ennyota.

Amazima gali nti ssinga baali mu kitundu ekyaalimu amazzi, bangi ku bo okulaba obulabi amazzi kwandibaleetedde obutalumwa nnyonta mangu naye gye baakoma okukirowoozaako n'ennyonta gye yakoma okubaluma.

Emirundi egimu obwetaavu bwe tulina tebuleetebwa kuba twetaaga naye lwakuba nti tulowooza nti twetaaga oba tujja kwetaaga wamu n'okutunuulira abalala era kino kituleetere okwemulugunya eri Katonda.

Vs 4. Musa atwala eddaala e ttuufu; akaabirira Mukama ng'asaba eky'okuddamu.

Buli muntu yenna alina ew'okuddukira era nga Mukama ky'ekiddukiro kyaffe.

Vs5-6. Mukama addamu okusaba; addamu Musa era ne Musa ayolesa obwetoowaze ng'agondera ekiragiro kya Mukama.

Vs7. Okwemulugunya kwaliwo kubanga abantu bano baabuusabuusa okubeerawo kwa Mukama mu massekkati gaabwe.

Ebyafaayo bino bitulaga ebyetaago by'omuntu nti tebiggwaayo kubanga kino kiba kyakaggwa ate kiri ne kijja. Okugeza mu ssula eya 15 baali baakafuna amazzi agawooma okuva mu gakaawa, mu ssuula eya 16 baali baakafuna emigaati ate obwetaavu obulala ne bulabika.

Amazzi bwe bumu ku bwetaavu bw'omuntu obukyasinze okuba obukulu era bannassaayansi batutegeezaa nti ebitundu 60 ku 100 eby'emibiri gyaffe bikolebwa mazzi, ate era nti n'ebitundu ebirala eby'omugaso mu mibiri gyaffe bizimbibwa mazzi; amawuggwe gali ebitundu 90 ku 100 mazzi, obwongo buli 70 ku 100 mazzi.

Kale olw'emigaso emingi kigambibwa nti omuntu asobola okumala n'omwezi nga talidde mmere naye tasobola kumala wiiki nga talina mazzi mu mubiri naaba mulamu.

Ekyawandiikibwa kyetusomye kyaali kisonga ku Kristo Yesu Olwazi olw'amazzi amalamu era ensulo y'amazzi amalamu.

1 Abakolinso 10:1-4, “Ab’oluganda, musaana mutegeere nga ba jjajja ffe bonna baakulemberwa ekire era bonna ne bayita mu nnyanja, bwe batyo bonna ne bakulemberwa Musa ne babatizibwa mu kire ne mu nnyanja. Bonna baalyanga emmere y’emu ey’omwoyo, era bonna baanywanga eky’okunywa ky’ekimu eky’omwoyo, kubanga bonna baanywa mu lwazi olw’omwoyo olwabagobereranga era olwazi olwo yali Kristo. Olwazi luno omwava amazzi yali Yesu Kristo”… era ye yamalawo ennyonta mu ddungu.

Olw’obukulu bw’amazzi mu mibiri gyaffe era go okubeera obulamu gye tuli; Yesu Kristo ky’ava  agakozesa ng’ekifaananyi okutwoleka obukulu bwe n’Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwaffe obw’omwoyo nti w’atali tetulina bulamu.

Yokaana 4:13-14  “Yesu n’addamu nti, ‘Buli muntu yenna anywa ku mazzi gano ennyonta eriddamu okumuluma. Naye buli anywa ku mazzi nze g’endimuwa, talirumwa nnyonta emirembe gyonna era galifuuka mu ye ensulo etekalira, ne gakulukuta okutuuka ku bulamu obutaggwaawo.”

Yokaana 7:37-39 “Awo ku lunaku olw’embaga olusembayo, olusingira ddala obukulu, Yesu n’ayimirira n’ayogera n’eddoboozi ery’omwanguka n’agamba nti, ‘Buli alina ennyonta, ajje gyendi anywe! Ng’Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti Buli akkiriza Nze emigga egy’amazzi amalamu girikulukuta nga gifuluma mu mutima gwe. Yesu yali ayogera ku Mwoyo Mutukuvu, abamukkiriza gwe baali bagenda okufuna, kubanga Mwoyo oyo yali tannagabibwa, kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa.”

Ennyonta tulina nnyingi mu nsi; abamu ya bukulembeze, abalala ya mwenge, abangi ya bakyaala wamu n’abaami, abalala ya byakulya, abalala ya bya mizannyo wamu n’ebirala bingi.

Bino bimala obudde bwaffe nga tubinoonya naye tetusobola kubikkuta era tebimatiza kubanga bizimba obwetaavu kubunnaabwoera ne tubeera mu bulamu nga tugoba empewo mu ngeri y’okumatizibwa.

Naye buli eyatondebwa yenna okumumatizibwa kwe kuli mu Kristo Yesu kubanga bwe tuzuula nti byonna ebingunjibwaawo okuleeta okumatizibwa tebisobola kutumatiza kitegeeza eyatutonda yekka yaasobola okutumatiza.

Yesu Kristo okumatizibwa agaba kwabwereere. Bangi twajja naye tetwanywa y'ensonga lwaki tukyawankawanka era nga emitima tegiteredde mu Kristo.

Mukama agamba nti "Abaavu n'abali mu bwetaavu bwebaneetaaga amazzi ne baganoonya naye negabula, ate nga ennimi zaabwe zikaze, nze Mukama ndibawulira, nze Katonda wa Isirayiri siribaleka. Ndikola emigga ku busozi obutaaliiko kantu, n'ensulo wakati mu biwonvu. Olukoola ndilufuula ennyanja, n'eddungu lirivaamu enzizi z'amazzi. Ndisimba mu lukoola omuvule ne akasiya, omumwanyi n'omuzeyituuni, ate nsimbe mu ddungu enfugo n'omuyovu ne namukago. Abantu balyoke balabe bamanye, balowooze era batuuke bonna okutegeera nti omukono gwa Mukama gwe gukoze kino, nti Omutukuvu wa Isirayiri yaakikoze." (Isa 41:17-20)

Ennyonta tulina nnyingi ab'oluganda era ennimi zitukaze olw'okuwammanta; naye Mukama atuyita tunywe ku mugga gwe.

Tunywa lwa kukkiriza Yesu era ne tukkiriza okuweebwa Omwoyo Omutukuvu okukola mu ffe ne tubala ebibala nti ne bwe tusigala mu nsi erimu obwetaavu tulina okumatizibwa okuyita mu Kristo Yesu ayinza byonna olwo ne tulyoka tuba omukisa eri abalala abaweerezebwa ebibala ebiva muffe.

Ne leero Yesu ayita.

Okujja wajja naye wanywa?

Tunywa lwa kukkiriza Kristo Yesu, ne tusaba okuyita mu ye nga twetaaga era okwetaaga kwaffe okusinga kwonna kwe kw'okujjuzibwa Omwoyo we Omutukuvu era ne tukuza okukkiriza kwaffe nga tusoma e kigambo kye wamu n'okukola kye kilagira.